

Engeri gy'oyinza okusomera ewaka n'omwanawo kiggala



Oluvanyuma ly'okubalukawo kwekilwadde kya Senyiga omukambwe, amasomero ggagalwa okwetoolola ensi yonna. Singa omwanawo kiggala abeera akomyewo ewaka okuva kusomero obanga tekisoboka kuyambibwako okumpi n'ewaka, kino kibeera kiseera kizibu nnyo era oyinza okweraliikirira kubanga omwanawo ayinza okusubwa emisomo gye. Naye gwe n'abantu abalala ab'ewaka musobola okuyambako omwana kiggala okugenda mumaaso n'okusoma.

Okuyiga kusobola okubaawo obudde bwonna, mumirimo egikolebwa bulijjo, okukubaganya ebirowoozo nga muli kukijjulo ekyawamu, okuzanyamu oba okuwuliziganya n'abantu b'awaka, okwooza engoye n'okufumba.

Okusomera mu somero n'okuyigira ewaka bintu bibiri bya njawulo, naye nga byombi bya mugaso. Teweraliikirira ky'okugezaako okuteeka somero awaka. Lowooza ku ky'okuteekawo embeera omwanawo mwasobolera okusomera mu mbeera eyabulijjo. Okulaga omwanawo bw'asobola okunaaba engalo mu butuufu n'okumunyonyola ensonga lwaki azinaaba, kirungi ddala mukadde kanno nga bwe kyandibadde ng'omwana asoma okuva mu kitabo. Waliwo engeri nyingi mu kuyamba omwanawo okubangulwa mu bintu eby'ejawulo ng'akula.

Okubala ebintu n'okulaga emiwendo ng'okozesa engalo.



Okunyonyola omwanawo ebirungo era n'engeri gyebikyukamu mukufumba.



Okuyambako omwanawo okusobola okulonda enyukuta z'erinnya lye.



Okubasomesa okubala obudde.



Okubulila omwanawo amannya g'emiti, ensozi, emigga, ebibala, enva endirwa, ebisolo oba ebinyonyi era n'okukiriziganya ku kabonero. Oba okunnyonyola, okukwatako, okulozaako oba okuwunyiriza ku bintu, okuyiga langi, ekikula, endabika, n'empunya oba enfaanana y'ekintu.



Omwanawo ajjakuba ayiga newankubadde nga obudde babumaze mu mpuliziganya awamu n'okuzanyamu naawe n'abalala abali ewaka, oba okukuyambako mu mirimo egyabulijjo.

Engeri gy'oyinza okusomera ewaka n'omwanawo kiggala



Empuliziganya

Fuba okulaba ng'omwanawo akozesa bulungi akuuma akamuyambako okuwulira singa aba akalina oba akyuuma kyona ekyeyambisibwa mumpuliziganya nga bwekisoboka nga bali naawe awaka.



Beera mugumikiriza n'omwanawo era singa olaba ng'abafuba okukutegera, ffunayo engeri endala yonna mwoyinza okunnyonnyola nga tozeemu buzi bigambo byebimu.



Ne bwoba tomanyi Lulimi lwabubonero osobola okuwuliziganya n'omwanawo Kiggala. Osobola okukozesa okugezesa n'okusonga ku bintu oba mwembi ne muyiyaayo obubonero. Yogerera ku sipidi eya bulijjo (topapa oba okulembegerera) era tokaayuka oba okulekaana ng'oyogerezeganya n'omwanawo ng'okozesa obubonero oba okugezesa. Jjukira, Omwawo ayinza okuba Kiggala naye ng'atunulira omumwagwo n'engeri gy'okyusaamu feesi okumanya ky'oba ogamba.



Omwanawo munyonyole bulungi nga bw'oyagala yeyiseemu era ayige, naye beera mwetegefu okukyuka. Buli maka gasobola okukozesa engeri ez'enjawulo – tewaliwo nkola ntuufu oba nkyamu. Mukiriziganye ku mateeka aganabayambanga naye beera mwetegefu okukyusaamu bwebiba ng'ebintu tebigenda bulungi.



Zimba omwanawo abe nga yekkirizaamu ng'omuzaamu amanyi bwakola ekintu ekituufu naye tomuyeeya oba okubonereza singa aba akoze ekikyamu. Jukira nti omwanawo ayinza okugwaamu amanyi era n'okweralirila enkyukakyuka z'aba tategeera.



Ebya bulijjo

Abaana abasing babeera basanyufu nga balina byebakola buli lunaku. Kino kijja kubayamba okubeera nga baywevu nga buli kintu ekibeetolodee nga kya ngeri era nga n'amasomero magale.

Engeri gy'oyinza okusomera ewaka n'omwanawo kiggala



Okuyiga

Abaana abasing obungi basoma bulungi nnyo nga bagabana ne banabwe ebirowoozo awamu n'okutabagana n'abantu abalala.


Omwanawo kiggala muwe omukisa okwetaba mumirimo gyona egy'awaka nga munno mulimu okumuwa obuvunanyizibwa obutonotono awaka nga mw'otwalidde n'emizanyo.



Bwoba ng'olinayo ebitabo oba ebifananyi, bigabaneeko abaanabo bakiggala era muyige obubonero n'okugeza buli omu by'funyeemu nga bwemuyita mu mbooji.



Funayo embooji ogibuulire omwanawo oba letayo embooji ekwata ku makagamwe. Abaana banyumirwa nnyo okusomozebwa –Laba ebintu bimeka abaaana byebasobola okukungaanya era ne babiteeka mu kabokisi oba munsawo okuva mu nyumba oba mu nimiro.



Eneeyisa

Ffena tumanyi obulungi obuli mukulabirira abaana baffe mu by'obulamu bw'omubiri naye n'ebyobwongo bwabwe nakyo kikulunyo. Abaana abasinga obungi beralikiridde ebigenda mu maaso n'ekyukakyuka mu mirimo egya bulijjo.

Nonyereza obwenyamivu obuli ku mwanawo obuvudde kunkyukakyuuka mu bulamu obwa bulijjo n'abantu ababera bamwetolodde – singa obeera ng'olina ebikweralikiriza, omwanawo ayinza okukimanya naye n'atategeera kigenda mu maaso.

Bayinza okukyuka mu neeyisa

Bayinza okwongera okukaaba

Bayinza okulekera awo okwagala oby'okulya

Basobola okufuuka abanakuwavu ennyo



Okusoma n'omwanawo kiggala kiba kunyuma! N'era teekawo engeri enungi gyemusobola okuwuliziganya mwembi.